**03rd February 2019.**

# ENNYANJULA Y'EKITABO KY'EBY'ABALEEVI.

Amakya ga leero, ng'entandikwa y'emisomo gyaffe omwaka guno ku Sande bwe ginaaba gisinziira mu kitabo kyaffe eky'omundagaano enkadde eky'okusatu ekyawandiikibwa Musa ekiyitibwa 'Eby'Abaleevi', tunaaba n'ennyanjula y'ekitabo, okuba n'okukimanya mu bufunze, ob'olyaawo n'okukisiima obukulu bw'akyo awamu n'okusikirizibwa okuyigirizibwaamu mu byawandiikibwa Mukama, Omwoyo Omutukuvu eyabikwaasa Musa. Nga bwe tutera n'okkisabiramu nti "Ebyawandiikibwa Ebitukuvu byonna, Katonda ye yabiruŋŋamya nga biwandiikibwa, era bigasa mu kuyigiriza, mu kunenya, mu kuluŋŋamya ne mu kubuuliranga, omuntu abe omutuukirivu, omuntu wa Katonda alyoke abe ng'atuukiridde, ng'alina byonna ebyetaagibwa okukola buli mulimu omulungi."[ II Tim. 3:16,17].

Ng'ekitabo bwe kyaali kyanja ensonga z'obuvunaanyizibwa bw'Abaleevi okusinga, nga bakabona balagirwa amateeka mwe balina okuyamba era okusobozesa abantu ba Mukama Abayisirayiri okusinza Katonda waabwe obutuufu, n'abantu baaweebwa ebiragiro by'embeera z'obulamu obutuukirivu. Era omulamwa omukulu gw'ekitabo bwe butukuvu bwa Katonda.
Ey'andilowoozezza nti ffe ab'endagaano empya bino eby'amateeka bitugasaaki, kiggwaanidde okkimanya nti endagaano empya yava mu nkadde, n'olw'ekyo enkadde eringa omusingi gw'empya wadde yali kisiikirize ky'ayo nga bwe twaasomesebwa mu Kitabo Ky'Abaebbulaniya omwaka oguwedde. Era kikola bulungi omusomi wa Baibuli omulungi okuba ng'okwasaganya ebitabo ebisatu eky'Okuva eky'Abaebbulaniya n'eky'eby'Abaleevi mu gye wandiyise 'Sandwich' okuganyulwa ennyo mu byawandiikibwa byaamu. Era neebaza Mukama nti bwe tubikutte mu nsomesa zaffe. Ate n'abawandiisi b'endagaano empya bamenya eby'omukitabo kino omusobyo gw'emirundi kkumi n'etaano.

Mu kuweebwa kw'ebyawandiikibwa by'akyo Isirayiri baali mu kifo kimu wansi ku lusozi Sinai nga bwe tubuulirwa mu ssuula 25:1 ne 26:46 era n'ekitabo ekiddako 'Okubala' we kitandikirwa nga bali mu kifo ky'ekimu, mu lugendo

lwaabwe okuva mu Misiri nga bwe twaasomesebwa mu Kuva okudda mu nsi ensuubize.

Tujjukire nti okutuusa mu biro ebyo, Isirayiri baalina byafaayo bya bajjajjaabwe okubamanyisa okutabagana ne Katonda wa bajjajjaabwe era okumusinzaanga, kubanga yabeeyanjuliranga nga Katonda wa Ibulayimu, Issaaka, ne Yakobo. Kyokka ebbanga eggwanvu ennyo mwe baali mu buddu e Misiri ly'abatabuzaamu ensinza z'abakatonda abalala, era nga bwe twaalaba mu ddungu bakkakkana basinzizza ennyana nga katonda eyabajja mu Misiri bwe baamala akaseera nga Musa tebamulabako. N'olw'ekyo oluvannyuma lw'okutongozebwa kwa Weema Y'okubeerawo kwa Katonda nga bwe twaalaba mu nkomerero y'ekitabo ky'Okuva awamu n'obwakabona n'abayambi baabwe abaasibuka mu kika ky'Abaleevi abaali bavunaanyizibwa emirimu gy'omu Weema Y'okubeerawo kwa Katonda, Mukama yalina okuwa ebiragiro by'okumusinzangamu n'okutabagana naye awamu n'embeera z'abantu ezaalina okubasobozesa okutabagana naye obulungi era obutuufu.

Ky'ekiggisaayo okulambululwa kw'eby'obutuukirivu obwaali bugwaanidde abaana ba Isirayiri okubasobozesa okusinza Katonda waabwe Omutukuvu. Ekiddiŋŋanwa nga mu ssuula 11:44,45 "Kubanga Nze Mukama Katonda wammwe, kale mwetukuzanga ne mubeera batukuvu, kubanga Nze ndi mutukuvu. Temwesemberezanga ebitonde ebyo ebitambulira ku ttaka ne bibafuula abatali balongoofu. Kubanga Nze Mukama eyabaggya mu nsi ey'e Misiri, okubeera Katonda wammwe; noolwekyo kibasaanira okubeeranga abatukuvu, kubanga Nze ndi mutukuvu." Ne mu 19:1,2 "Awo Mukama n'agamba Musa ategeeze ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri abagambe nti, "Mubeerenga batukuvu, kubanga nze Mukama Katonda wammwe ndi mutukuvu." Awamu ne 20:7,8,26 ezigamba "N'olwekyo mwetukuze mubeerenga batukuvu, kubanga Nze Mukama Katonda wammwe. Mukwatenga amateeka gange, mugagobererenga. Nze Mukama abatukuza." "Kibasaanira okubeeranga abatukuvu gye ndi, kubanga Nze, Mukama, ndi mutukuvu, era mbaawudde ku mawanga amalala mubeerenga ggwanga lyange."

Obutuukirivu bwa Katonda, obwoonoonyi bw'abantu, okuwaayo kwa saddaaka n'okubeerawo kwa Mukama Katonda gy'emilamwa egisinga okulabika mu kitabo kino.
Okusoba emirundi 125, ebyawandiikibwa muno birumiriza abantu olw'obutali butuukirivu ne biragirira engeri z'okutuukirizibwa ng'esikirizo (motive) nga bwe twaakalaba wagguluko kwe kuba nti kiddiŋŋanwa "Nze Mukama" era "Ndi Mutukuvu", omusobyo gw'emirundi 50.

Kisoosa okulagirirwa kw'ebiweebwaayo bitaano ebyalina okusobozesa oyo omwenenya mu nnamaddala era asinza Mukama n'okusiima, okwoolesa okwagala kwe gyaali. Naye omutima bwe gutaaba mumenyefu mu nnamaddala Katonda teyasiima ssaddaaka oba ekiweebwaayo, nga bwe tulaba mu Lubereberye eri Kayini [4].

Wetusinga okkwaasaganya ebyawandiikibwa by'ekitabo kino n'obulamu bwaffe leero abatambuliza okukkiriza kwaffe mu kisa kya Mukama so ssi mu mateeka kwe kuba nti tubuulirwa mu I Pet.2:9-12 "Naye mwe muli kika kironde, bakabona bw'obwakabaka, eggwanga ettukuvu, abantu ba Katonda bennyini. Mwalondebwa mulyoke mutende ebirungi bya Katonda eyabaggya mu kizikiza n'abayingiza mu butangaavu bwe obutenkanika. Edda temwali ggwanga, naye kaakano muli ggwanga lya Katonda, era mwali temusaasirwa, naye kaakano Katonda abasaasidde. Abaagalwa, mutegeerere ddala nti Ku nsi kuno muli bayise. Kyenva mbeegayirira mwewale okwegomba kw'omubiri, kubanga kulwanagana n'omwoyo. Mukuumenga empisa zammwe ennungi, abo be mubeera nabo abatakkiriza, newaakubadde baboogerako nti Ebikolwa byammwe bibi, basobole okulaba ebirungi bye mukola, balyoke bagulumize Katonda ku lunaku lw'alirabikirako."
Nate mu I Pet. 1:14-16 zigamba "Mugonderenga Katonda, kubanga muli baana be, muleme kufugibwa okwegomba kwammwe okubi okw'edda, kwe mwatambulirangamu mu butamanya. Kale, nga Katonda eyabayita bw'ali omutukuvu, nammwe mubeerenga batukuvu mu byonna bye mukola. Nga bwe kyawandiikibwa nti, "Mubenga batukuvu, kubanga nze ndi mutukuvu."

Kulwange ebyo by'ebisinga okufuula ekitabo ky'Eby'Abaleevi ekitabo kyange omwaka guno mweŋŋwaanidde okweyongera okumanya Mukama n'okusobola okumusinzanga mu mwoyo ne mu mazima nga Yesu bwe yagamba mu Yokaana 4:23,24 "Naye ekiseera kijja, era kituuse, abo abasinziza mu mazima bwe banaasinzizanga Kitaffe mu mwoyo ne mu mazima. Kubanga Kitaffe anoonya abo abamusinza era n'abo abamusinza kibagwanira okumusinzanga mu mwoyo ne mu mazima. Kubanga Katonda Mwoyo n'abo abamusinza kibagwanira okumusinza mu mwoyo ne mu mazima."

Mbasaba nammwe fenna wamu tunoonye Mukama ottweeyoleseza, mu byawandiikibwa by'ekitabo kino tumumanye era tutegeere engeri ze mwaatweetaaza okutuukiriza okwagala kwe gye tuli nga bwe kigwaanidde, olwo tube n'omwaka omunyuvu era omulungi ennyo okutwaaliza awamu mu linnya lya Yesu.